# Amadala Agakutusa Mubulamu

BYAWANDIKIBWA OMUSUMBA Elmer Murdoch

**Katonda mulungi , Akwagala nyo era agezezakonny okuwalula ebilowozobyo.**

*Naye*

*ebintu*

*ebilinga*

*bino*

*Bikulemeseza…..*




Byewenyigilamu biyinza okubanga bye bikulemeseza okulowoza

kukatonda.Naye bwonosoma akatabo kano katonda ayinza okubako

Nekya yogera naawe.

**Oba oyinza okubako nekyomanyi kukatonda naye wano tulinawo ebintu bisatu ebyamazima byewetaga okumanya okuva kati.**

…...Nti Katondamugezinyo era amanyi ebilungi byayagaza obulamubwo

…...Nti katonda mutukuvu,takwatagana nakibi era alikisalira omusango.

…...Nti katonda wakisa n'olwekyo agumikiriza omusangogwo ,akusasila kubanga yesu kristo yafa kumusalaba kululwo.miika 7:18 Ani katonda nga ggwe asonyiwa obubi?

Yesu Kristo lyekubo lyoka erikutusa erikatonda. Kuba nagamba nti ….Nze kubo namazima n'obulamu tewali ajja eri kitange wabula nga ayisse munze.Yokana 14:6

**"Kintu ki ekikulu enyo ekimubeeza omulamu?"**

Abamu bagamba nti kulyabulamu, kusanyuka, okubera mubulamu obweyagaza obulungi. Nakumatizibwa. Binobyona bilungi naye Baibuli etubulira enkilubilirwa ekikulu nga kyakumanya katonda nga tuyita mu yesu Kristo n'okusanyusa ye yeka. Eno

yensonga lwaki watondebwa. Kilowozeeko, Osobola okumanya Katonda nga bwomanya mukwanogwo.

Yokana17:3 Buno bwe bulamu obutaggwaawo okutegera ggwe Katonda omu owamazima, n'oyo gwe watuma Yesu Kristo.

## Katonda omulungi enyo ayagala

- Akusonyiwe ebiibibyo.
- Akuwe amakulu gobulamubwo kati.
- Akutwale mugulu nga'fudde.

Biino byona bibyo bwogondera Yesu Krsito omwana wakatonda omu yekka.


Bwogana ekirabo kino ekyekiisa  no kwagala,Oba wegulumiza ku katonda n'omusangogwe. Yokana 3:36  Akkiriza omwana alina obulamu obutaggwawo naye atakiriza mwana ,talilaba bulamu , naye obusungu bwa katonda bubeera kuye . wefula owobuyiza  Obwenkomerede ku katonda. N'olwensongeyo ekibuzo ekisinga obukulu kyosanga kilinti

## ANI AFUGA OBULAMU BWO?

Yegwe oba Yesu? Empapula ezidako zinakuyamba  okuzula ekyo.

## Buli muntu ali kulimu kumadala gano atano 5.


Endowoozayo yeraga ebanga eliri wakatiwo nekatonda. Buli dala kugano liraga endowoozayo mu mutimagwo n'ebanga wakatiwo ne katonda. Olikumpi nekatonda oba oliwalanyo naye? Yesu yasomesa kino omusajja eyali anoonya amazima, nti Toliwala n'obwakabaka bwakatonda mu "Makko 12:34"




Daalaki lyoliko Kugano

# Tebinkwatako

Olina bingi byomanyi ku yesu n'obulokozi oba okumanya akatono enyo, naye ekikulu kirinti  olaba nga tebikukwatako era tewefirayo.Lino lyedala lyoliko? Endowoza eya tebinkwatako ekulemesa okumanya katonda, naye tekilemesa katonda kubera nga akufako, Barumi 5:8 naye katonda atenderezasa okwagala kwe ye gge tali, kabango bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo natufira




## Binkwatako oba Nfaayo.

Wano oba nga amanyi munda mugwe obwetavu obwomwoyo bwolina nga era oyagala okunonya ekyokudamu eri obwetaavu obwo.

Oba lyawo okuffa, okunoba, okufirwa omulimu,bulwadde oba kusendebwa emikwanogyo nga byebyakuletera okuzuula obwetavu n'o bwelele bwomwoyogwo  Obwerere nobwetaavu obwo buva kukubulwa nkolagana na yesu kristo. Gwe nga kinomu.Mukama agamba nti oli nonya era olindaba bwononya nze no mutimagwo gwona. Yelemiya 29:13.

.



# Okufayo okutufu

kukuletera Okulumizibwa , owulira obutabera
namirembe okwo'moyo n'omusango
ebiretebwa omwoyo
omutukuvu nga akulaga ekibi kyo
n'obwetavubwo .

Osubira okugenda mugulu olw' obulungibwo oba olwokukola ebirungi nga bwosobola? Ekibuzo kyewetaga okwebuza kiri nti, naye ndimulungi ekimala? Nkumye amateka g'akatondo kikumi kukikumi( 100%) mundowoza,mubigambo n'emubikolwa? Bwoba nga ekyo okikoze bwotyo awo no osobola okugenda mu gulu olwobulungi bw'obulamubwo.Matayo 19:17-19 N'amugamba nti kiki ekikumbuuzisa ekyekigambo ekirungi? Omulungi ali omu:naye bw'oyagalaokuyingira mubu-lamu ,wuliranga amateeka.
Balumi 3:20. Kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi.

**Okuzuula nga olimulungi twala okugezesebwa kw'akatonda okwobulungi kuno mumateka Ekuumi.**

Toberanga na katonda mulala
Tewekolera nga kifananyi
Tolayirilanga mu linya lya mukama bwelere.Kuumanga sabiti nga ntukuvu.
Osangamu ekitibwa kitawo n'enyoko.
Totanga
Toyendanga
Tobanga.
Tolimbanga
Tewegombanga. Okuva 20:3-17.

Mukwekebera okawo Oyise  otya, ofunye kikumi.100% ? Katonda tapimira kuminzani  Yakobo2:10 Agamba nti bwomenya eteeka limu oba omenye gona era oba olemeredwa gona. Amateeka galinga baluni, akatuli kamu kagyoonona yona.




**Lowoza  kubibuzo bino bikulu nyo:**

1.Way'onona nga omenya elimu kumateeka gano.? ☐ Ye ☐ Needa?

2.Ebiibi byokoze bikulumiriza? ☐Ye ☐ Neda?

3.Bikulumiriza kyenkanawa? ☐ Katono? ☐Ye ☐Nyo?

Nyo-nyo okubanga waliwo kyosobola okukola kukyo?

Lino lyedala lyoliko? Okulumiriza kuleta

# OKWENENYA

Ofuna enkyukakyuka munda mubirowozobyo ne mumutima era n'osalawo okwegaana n'okuleka ebibi byomanyi notambuza obulamu bwo nga obwesigamiza ku katonda.

**Okwenenya**…. kikolwa ekyokwejja kunamulondo efugga obulamu bwo nooleka yesu okutwala ekiffo kye ekitufu.


**Okwenenya**...kwekukyuka okwo mwoyo nga tonaba kukiriza.

**Okwenenya** … sikunakuwalira kibikyo kyoka, okwenenya olina okuwulira enaku ya abantu. abamu banakuwala Olwebibi ebiva mukibi kya bwe naye sirwakibi kyenyini.Okunakuwala okwo bwa katonda kuleta okwe nenya okutukulembera mu bulokozi ne ku talekawo kwejussa Naye okunakuwala okwensi kuleta okuffa 2bakolinso 7:10

**Okwenenya**…. sikulekera kukola kiibi. Abantu abamu balekawo okukola ebibi ebiimu olwensonga ezo buntu nga okuba abalamu, okukuuma elinya, Ama-aka,ebyenfuna n'ebintu ebirala bingi.naye sirwakuba nti ebibi byabwe binyiiza katonda.

**Okwenenya** **……**kwogerwako emirundi 55 mu Ndagano empya. Yesu mwenyini nagamba nti okujako nga mwenenyeza namwe mulizikirira mwenna bwe mutyo. Luka 13:3

**Okwenenya kwamakulu nnyo kutya?**




Bwobanga olikudaala

lino bikula awadakko otuuke

kulisembayo.

## OKUKIRIZA OKULOKOKA OKULI MU MUKAMA WAFFE YESU


Wano weteketeke okusalawo okuwaayo kyona kyoli n'ebyona byolina eri okufuga kwa mukama wafe yesu Kristo. Kwekukyusa obufuzi mu mutima gwo okuva mu kwefuga Yesu kristo nataandika okufuga.Yesu asinga omulimugwo,amaakago,ebyenfunabyo,naabo abalaga nti bafaayo nyo gyoli nga otwalizamu n'obulamu bwo bwenyini. Matayo 10:37-39, Luuka 9:57-62, 1Bakolinso15:3-4

Mu Luuka 14:26 Yesu agamba nti Omuntu bwanajjanga gyendi, n'akwasa kitawe ne nnyina ne mukazi we na baana be,ne baganda be,ne banyina,era n'obulamubwe ye, taayinzenga kuba muyigir izwa wange.

Bwe wewaayo era ne wesigila ddala ekubo lya Katonda, ateeka omwoyowe omutukuvu mugwe era n'ozalibwa mumaka gge.Katondo afuuka kitaawo omwagalwa era akufuula omwana we.Ye asobola okulete enkyukakyuka mubulamu bwo obere nga omuletera ekitibwa.

"Kiriza mukama waffe yesu era Onalokolebwa…" Bikolwa byabatume16:31

Balumi 5:1 Kale bwe twawebwa obutukirivu olw'okukkiriza,tubeerenga ne'mirembe eri Katonda ku bwa mukama wafe yesu Kristo,
Bakkolosaayi 1:20 Nokutabaganyisa ebintu byonna eri ye yennyini mu ye,bwe yamala emirembe olwo' musayi gwo'musalaba gwe, mu ye ,okutabaganyisa oba eby o'ku nsi oba ebyo'mu ggulu.
Yesu Kristo afuuka mukama wobulamu bwo mu kukyusibwa.Abera mugwe okuyita mumwoyo we era yensibuko no'kukusobozesa mubulamu bwekikurisitaayo.




Nga katonda bwakuwalude nakutuusa kudala lino,salawo okwewayo eri Kristo olwareero . Mu bigambo byo yogera ne katonda…

## Mu bigambo byo yogera ne katonda

**Yatula ebiibi byo**. Byogere amanya gaabyo –Amalala, obwenzi,Obulimba, Obutasonyiwa, Omululu,Okubba , ne bilala .

**Buulira Katonda nti wenenyeza**---Nga omariride okuleka ekibi kyomanyi n'ensibuko yekiibi nga okyeyagaliza.

**Buulira Katonda nti  okiriza Yesu Kristo** - Oyo gweyazukiza okuva mubaffu era omutwala mubulamu bwo nga mukamaawo era omulokoziwo. **Yesu akuuma ekigambo kye,akusonyiyie era ayingile mubulamubwo, akufule omuntu omujja.**
Oyinza okusalawo kuno no bumaririvu oba obutali bumaririvu mundowoo-zayo.Naye ekikulu kirinti okwewaayokwo kugenda kusanyusa katonda nkyokikulunyo.Endowoza zigwaawo naye okusalwo kwomutimagwo kusi-galawo.
**Webeze katonda kati olwokufuuka omwanawe no lwobulamu obujja obulimugwe. Osobola okusaba kati.**

## Ensonga Ennya lwaki omanya nti olokose:

1.Ogondedde ebiragiro byakatonda okwenenya no kukiriza, era ye mwesigwa okukuuma ekigambo kye. 1Yokana 5:13 Ebyo mbibawandikidde mwemumanye nga mulina obulamu obutaggwawomwe abakiriza erinya ly'omwana wa katonda

2.Olina obuvumu olwomusayi gwa Yesu Kristo gweyayiwa kumusalaba Muye tulina okununulibwa okuyita mu musayigwe,okusonyibwa ebibi okusinziira kubugaga bwe kyisakye Abefeso 1:7

3.Wegaanye ebidadde bifuga obulamubwo no bikwasa yesu Kristo eyazuukira . Bakkolasay 2:6 Kale nga bwe mwawebwa Kristo yesu mukama waffe mutambu-lenge bwe mutyo mu ye,

4.Katonda atese omwoyowe munda mugwe - mumwoyo gwo akuwa ekikakasa nti oliwuwe.

Omwoyo yennyini wamu n'omoyo gwaffe ategeeza nga tuli baana bakatonda ( Barumi 8:16) Obulamu obujja buleeta enkyukakyuka zino…

## Obulamu obujja buleta enkyukakyuka zino…

1.Okuyayaana okumanya Baibuli. 1petero 2:2 Nga abaana bawere abaakajja ba zaalibwe ,mwegombenga amata ago'mwoyo aga talimu bulimba galyoke gaba-kuze okutuka kubulokovu,

2.Okuyayana okugondera Yesus Kristo. Yokana14:15 Oba nga munjagala muna akwatanga ebilagiro byange .

3.Okuleka ekibi. 2Timosewo 2:19 Naye omusingi gwa katonda omugumu gubeerawo ,nga gulina akabonero kano nti mukama wafe amanyi ababe:era nti yeewalenga obutali butuukirivu buli ayatula erinya lya mukama waffe.

4.Otandika okufayo eri ababula - bebantu abatanaba kwenenya era nga tebamanyi Katonda .2petero 3:9



Step Up To Life Ministries 20301 Wirt Street
P.O Box 730 Elkhorn, NE 68022 U.S.A

Designed and printed by: Kalads limited
For more copies contact
Pastor Kennethen Bamuleke
+256 77571761